# Pulezidenti Museveni agumizza eggwanga ku bulwadde bwa Ebola

BYA HANNINGTON NKALUBO

PULEZIDENTI Museveni agumizza eggwanga ku bulwadde bwa Ebola obwasse omusajja eyavudde mu ggwanga lya Dr. Congo n'afiira mu ddwaaliro erimu mu Kampala nti abasawo buli kimu bakikutte bulungi abantu tebeeraliikirira.

Yabadde asisinkanye ttiimu y'abakugu omwabadde abasawo abaakuguka mu ndwadde ez'ekika kino mu makaage ag'e Nakasero ne boogera ku nsonga nnyingi naddala ku bulwadde buno mu mawanga ageetolodde DR Congo.

Ku Lwokugaaga akulira Media Centre, Allan Kasujja yafulumizza ekiwandiiko n'ategeeza nti omusajja eyavudde e Congo n'atuuka mu Kampala ku Lwokuna ng'alina obulwadde bwa Ebola yafiiridde mu ddwaaliro erimu mu Kampala.

Yagumizza eggwanga nti abasawo baatandise dda okulondoola engeri omugenzi gye yatambulamu , abantu okuli abenganda n'abemikwano be yabaddeko nabo n'ebifo we yatuukira. Mu ngeri y'okutangira n'okulwanyisa obulwadde, abakugu basabye abantu be balaba nga balina obubonero bw'abalwadde ba Ebola okuli omusujja ogwamanyi, okuwulira obukoowu obwamaanyi mu mubiri, alumizibwa mu kifuba, ekiddukano, okusesema n'okuvaamu omusaayi mu bitundu by'omubiri ebyenjawulo n'okumyuka amaaso batwalibwe mu ddwaaliro.